
# BUUZA OMUSAWO

## Empiso ya Lenacapavir bagikuba wa?



Dr. Flavia Kiweewa Matovu

**EMPISO ya Lenacapavir etangira okukwatibwa akawuka ka siriimu ekubibwa wa era ekola etya?**

Empiso ya Lenacapavir, yayanjulibwa mu Uganda mu mwezi gwa April omwaka guno.

Ekubibwa abantu buli luvannyuma lwa myezi mukaaga n'eyambako okuziyiza omuntu oyo, okukwatibwa akawuka ka siriimu.

Ekubibwa wansi w'olususu ku kisambi oba ku lubuto, eddagala ne liyita mu masavu ne liyingira mu mubiri. Oluvannyuma lisaasaana mu mubiri ne litangira omuntu okufuna akawuka ka siriimu.

Eddagala lino, likubibwa buli omu atannafuna kawuka ka siriimu naye okusingira ddala, mu Uganda kati liweebwa abantu abo abasinga okubeera mu katyabaga k'okufuna akawuka ka siriimu kasita okeberebwa ne kikakasibwa nti, obadde tolina kawuka.

Abantu abo abali mu katyabaga k'okufuna akawuka ka siriimu mulimu; abawala abeenyigira mu kutunda akaboozi ak'ekikulu n'abasajja abavuga ebyamaguzi eng'endo empanvu.

Empiso eno ezze egezesebwa era n'ekakasibwa nti, ekola. Okuva mu 2022, empiso eno yayisibwa ate ab'ekitongole kya US Food and Drug Administration mu 2025 nabo ne baliyisa, nga omwaka guno mu Uganda, National Drug Athourity nayo yaliyisa.

Wabula abantu era bongera okukubirizibwa, okwongera okukozesa ne ku nkola endala eziziyiza okufuna akawuka ka siriimu okuli; okukozesa kondomu, abasobola okwekuuma ne bateegatta na buli muntu bakikole ate era waliwo n'empeke ezimiribwa mu nkola ya PrEP nga zitangira okukwatibwa akawuka ka siriimu, n'enkola endala.

**Ekibuuzo kiddiddwaamu, Dr. Flavia Kiweewa Matovu, eyakuliramu okunoonyereza ku mpiso eno okwasooka. (Principle Investigator Purpose 1 Study).**